


# OKUKUZA OLUNAKU LW'ENSI YONNA OLV'ENNIMI ENNANSI 2021



Baali boolesa bitabo ku gumu ku mikolo gy'okukuza olunaku lw'ennimi ennansi mu Uganda. Ebitabo bikulu nnyo mu kutumbula ennimi

**OLUNAKU** lw'ennimi ennansi olwa Febwali 21 lwatandikibwawo UNESCO mu 1999 mu kaweefube w'okutumbula ennimi n'ebyobuwangwa era n'okukozesa ennimi ennyingi. Mu Uganda olunaku LUNO lwatandika okukuzibwa mu 2007 era mu 2007 Ekibiina ky'Amawanga Amagatte (UN) kyasaba amawanga gonna agali mu kibiina kino okukuuma n'okukuza ennimi zonna. Omwaka 2008 gwalangirirwa okuba omwaka gw'ennimi n'ekigendererwa eky'okutumbula obumu wadde nga twawukana mu nnimi, okuzimba entegeeraagana mu nsi yonna nga tuyita mu kukozesa ennimi ennyingi n'ebyobuwangwa eby'enjawulo.

Omulamwa gw'omwaka guno ogw'olunaku luno mu nsi yonna guli ku kutumbula n'okukuza enkozesa y'ennimi ennyingi olw'okusobozesa ebyenjigiriza bya buli omu n'enkolagana n'abantu abalala (Fostering multilingualism for inclusion in education and society). Ate wano mu Uganda, minisitule y'Ekikula ky'abantu ebyemirimu n'enkulaakulana y'abantu omulamwa yayisizza gwa 'Obukulu bw'ennimi ennansi mu kulwanyisa ssennyiga omukambwe". Olunaku luno lwoleka obukulu bw'ennimi ennansi n'okumanya ennimi ennyingi mu kukakasa nti tewali n'omu alekebwa mabega ate nga kino kye kimu ku biruubirirwa by'ensi yonna eby'enkulaakulana eya nnamaddala (SDG) ne African Union ng'eyita mu ACALAN.



UNESCO balina okukkiriza nti okusoma mu nnimi z'abaana enzaaliranwa kulina okutandika nga bakyali bato ddala kubanga okusoma n'endabirira y'abaana nga bakyali bato kwe kwesigamye okuyiga kwabwe. Omulamwa gw'omwaka guno gukubiriza abakulembeze, abasomesa n'abazadde okwongera amaanyi mu kuyigiriza abaana ennimi ez'enjawulo n'okulaba nga buli mwana talekebwa mabega mu byenjigiriza tusobole okuddamu okutumbula ebyenjigiriza kubanga bikoseddwa nnyo embeera gye tulimu eya ssennyiga omukambwe (COVID-19). Kino era kikola kinene ku kutumbula ekyasa ky'ennimi ennansi ekitandika mu mwaka 2022 okutuuka mu 2032 ekyassibwawo UNESCO okuitumbula okukozesa ennimi ennyingi nga omusingi gw'enkulaakulana.